# Bawambye omwana ne basaba obukadde 40

Bya WASSWA B. SSENTONGO
ne ERIA LUYIMBAZI

POLIISI enunudde omwana eyawambibwa abavubuka ne bakanda abazadde obukadde 40 okumubaddiza.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Racheal Kawala yagambye nti, omwana ono Malaika Jemima yawambibwa ku lunaku lw'abakyala nga March 8, 2026 bwe yali ewa jjajjaawe, Elizabeth Kabeyogerere e Matugga.



Jemima ng'akwasiddwa jjajjaawe, Kabeyogerere.

Enkeera abaawamba omwana baaweereza ekifaananyi kye ku ssimu ya jjajjaawe ne basaba abawe obukadde 40 okumukomyawo nga mulamu.

Bazadde b'omwana baddukira ku poliisi e Matugga ne baggulawo omusango, olwo poliisi n'etandika omuyiggo ogwabatuusizza okukwata Godfrey Sserwanja ne Shakib Ntege abaababatutte mu nnyumba e Buwambo ku kyalo Kayirira gye baabadde bakwese omwana.

Omwana olwanunuddwa n'atwalibwa mu ddwaaliro okwekebejjebwa ate abakwate ne batwalibwa ku poliisi e Matugga.



Shakib Ntege ne Godfrey Serwanja abaakwatiddwa ku by'okuwamba Jemima.

Jjajja w'omwana yagambye nti, omu ku baakwatiddwa y'abadde amusaayira oluggya.